# Engeri ennyangu y’okutegekamu ekifo mu nkola y’okulimira mu mazzi , kikoleddwa mu Kenya

Eno ya mita 8 ku  mita 15,  tulina emmerusizo ssatu ensetevu ezikozeseddwa ebintu by’obutonde ebiriwo nga; embaawo, akaveera n’obuti obw’ebyuma.

Tulina ekidiba ky’eby’ennyanja ekirimu ebiriisa okuva mu bidiba ebiri munda mu nnyumba erimibwamu embike emabega. Amazzi gatekebwako ekyuma ekibala. Kino kigabanya amazzi okuva mu kidiba n’ekifo okudda mu kifo awanjalira amazzi  n’ewegakunganira, okusobola okwanjala n’okukungana okudda mu kidiba ekiri emabega. Era tulina omukutu oguyamba okuggya amazzi mu mmerusizo era kati ekozesebwa kubanga eggyamu amazzi. Ezza amazzi mu kidiba .
Munda mu nnyumba erimibwamu embike
Munda mu nnyumba erimibwamu embike tusobola  okulaba ebizimbiddwa nga 70, nga bikwatagana n’ebidiba. Wano tusobola okulaba ebidiba nga bisatu ebirina obuwanvu bwa mita 2 mu kipimo ne obugazi bwa mita 1 n’obungi bwa mazzi obwenkana lita 14000. Mu kiseera kino ebidiba buli kimu kirimu eby’ennyanja ebiwera 1200.

Tubikka ebidiba okuziyiza okumera kw’ekiddo ekiyinza okutawanya olunyo lw’amazzi waggulu n’okuggyamu ebiriisa okuva mu mazzi.

Endabirira y’amakungula agewunyisa

Ekituukawo kiri nti tetwagala kukungula buli kimu  mulundi gumu kubanga  singa tukikola eby’ennyanja bigenda kusubwa ebimera okubiringooseza amazzi . Era tulina bu pampu bw’omukka omulamya obuteekebwa mu kifo awakolerwa qokusobola okwongera omukka omulamya mu mazzi.

Engeri y’okwengangamu ebbula ly’ekiriisa

Enva endirwa ez’ebikoola, obutungulu bw’ebikoola, n’ensigo za chia wano zisimbibwa. Ebiseera ebisinga tukozesa bino, tukozesa ekigimusa eya mazzi ekya vermin okuyambako mu bbula ly’ebiriisa. Kya butonde ate kikola nnyo.